Essomo 3

Setaani ne Bamalayika

Isaaya 14; Ezeekyeri 28

Emirembe gibe nammwe ab'emikwano abatuwuliriza. Tubalamusizza mu linnya lya Katonda, Mukama ow'emirembe, ayagala buli omu okutegeera n'okwewaayo mu kkubo ly'obutuukirivu lye yateekawo tusobole okufuna emirembe egya nnamaddala na Ye, emirembe n'emirembe. Tuli basanyufu okusobola okukomawo olwaleero okubatuusaako pulogulamu yammwe gye tumanyi nga *Ekkubo Ery'obutuukirivu*. Lino ly'Essomo ery'okusatu lye tutaddeko omutwe ogugamba nti Setaani ne Bamalayika.

Mu pulogulamu yaffe eyayita, twasoma olunyiriri olusooka mu Byawandiikibwa Ebitukuvu olugamba nti, "*Olubereberye Katonda yatonda eggulu n'ensi.*" (Olub. 1:1). Twakiraba nti buli kimu kirina entandikwa okujjako Katonda. Olubereberye bwewaali tewali kintu kyonna, Omu yekka ye yaliwo. Omu oyo yali Katonda. Ye yekka eyaliwo olubereberye. Katonda ye Mukama ow'emirembe gyonna. Katonda mukulu era teri amwenkana. Talina ntandikwa talina nkomerero. Talina byetaago. Takugirwa. Katonda mwoyo era asobola okubeera buli wamu mu kiseera kye kimu. Ali waggulu wa buli kimu na buli omu. Ajjuza buli kimu, alaba buli kimu, Ali omu yekka, Katonda mukulu. Eyo y'ensonga lwaki Ebyawandiikibwa Ebitukuvu bigamba mu 1 Timoseewo 6:16 nti, "*Alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so siwali ayinza okumulaba: aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo. Amiina.*

Olwaleero tutandika essomo lyaffe ery'okusatu mu Byawandiikibwa bya Bannabbi. Twagala okulaba Ekigambo kya Katonda kye kitugamba ku bamalayika ne Setaani. Omanyi wa bamalayika gye bava? Oba Setaani ne zi dayimoni gye biva? Tetwandisobodde kumanya bikwata ku bintu nga bino singa Katonda teyabitubuulira. Naye Katonda abitubuulira mu Kigambo kye. N'olwekyo katwekenneenye Ebyawandiikibwa Ebitukuvu tuzuule amazima agakwata ku bamalayika ne Setaani.

Tukujjukiza nti mu pulogulamu *y'Ekkubo Ery'obutuukirivu,* twekenneenya Ebyawandiikibwa bya Bannabbi nga bwe biddiring'ana—okuva kuntandikwa okutuusa ku nkomerero. Eyo y'ensonga lwaki omulundi ogwayita twasooka kusoma bikwata ku Katonda ye Yennyini, kubanga Katonda y'Omu eyaliwo olubereberye. Era Katonda bwanaaba ayagadde mu ssomo erinaddako tujja kusoma ku ngeri Katonda gye yatonda ensi n'ebyo byonna ebigirimu. Naye kyokka Katonda bweyali nga tanatoonda bantu n'ensi mwetuli, waliwo ekintu ekirala kye **yasooka** okutoonda: be **bamalayika.**

Ekigambo kya Katonda kitubuulira bingi ku bamalayika. Olwaleero tujja kugezaako okufuunza amazima agasinga obukulu agakwata ku bitonde bino. Ekigambo kya Katonda kitugamba nti edda ennyo, Katonda Omwoyo yatonda emyoyo emirala mingi egiyitibwa bamalayika. Ebyawandiikibwa bigamba mu Abebbulaniya 1:14 nti, "*[Bonna si gy'emyoyo egiweereza…?]* ate mu Abaebbulaniya 1:7 [Katonda] *…Afuula bamalayika be empewo, N'abaweereza be ennimi z'omuliro.*" Kale, Ebyawandiikibwa bitusomesa nti bamalayika myoyo, nga Katonda bwali. Engeri yabbwe eringa ya mpewo na muliro. Tetusobola kulaba mpewo. Teri ayinza kukwata ku muliro. Bwe kityo bwe kiri ne bamalayika ba Katonda. Katonda teyabatonda na mibiri ng'egyaffe. Ffe abantu tulina omubiri n'omwoyo. Kyokka bo bamalayika mwoyo mwerere. Eyo y'ensonga lwaki tetusobola kubalaba.

Katonda yatonda bamalayika bameka? Ebyawandiikibwa bitugamba ki ku kino? Bigamba Katonda yatonda emyoyo mingi nnyo okusinga omuntu yenna gy'asobola okubala. Ekitabo ky'Okubikkulirwa 5:11 kituyigiriza nti waggulu eyo mu maaso ga Katonda waliyo bamalayika "*…n'omuwendo gwabwe gwali obukumi emirundi obukumi, mu enkumi emirundi enkumi...*" Katonda Mukama waffe mukulu! Katonda atalina kkomo, yetondera nkumi n'enkumi za bamalayika abalabika obulungi, abalungi era

abalina amagezi. Ebyawandiikibwa bitugamba nti bamalayika ba Katonda b'amaanyi nnyo. B'amaanyi okusinga ffe abantu. Naye kyokka, ng'ebitonde bya Katonda byonna balina we bakoma. Si b'amaanyi gonna. Tebasobola kubeera buli wamu era tebamanyi buli kimu. Bitonde butonde. Ali Omu atalina kimukugira. Oyo ye Katonda.

Ekintu ekirala kye tuteekwa okutegeera ku bamalayika kye kino: Katonda bwe yatonda bamalayika, bonna baali batukuvu. Olubereberye tewaaliwo bamalayika babi. Olubereberye Setaani (mu kuraane oba mu luwarabu, "*Iblis*") teyaliiwo. Tewaaliwo myoyo mibi. Katonda teyatondayo bamalayika babi. Tuteekwa okukumira amazima gano mu mmeeme zaffe. Katonda asobola okukola ekintu kyonna okujjako ekintu kimu. Katonda tasobola kukola kibi. Nsaba tuleme kwerabira kintu kino. Katonda tayinza kutonda kibi kubanga Ye **mulungi**. Katonda tayinza kukola nsobi kubanga **mutuukirivu**. Ekibi tekisobola kututunuka kuva mu Ye kubanga mulongoofu era mutukuvu. Buli kintu Katonda ky'alowooza, ky'ayogera ne ky'akola kirungi era kituukirivu. Eyo y'ensonga lwaki Ebyawandiikibwa bitugamba mu Yakobo 1:13 nti, "*...Katonda takemeka na bubi, era ye yennyini takema muntu yenna.*" Kale olwo, ekibi kiva wa? Mu maasoko tujja kulaba okuddamu kwa Katonda. Okusooka waliwo ekintu ekirala kye tuteekwa okumanya ku bamalayika.

Lwaki Katonda yatonda bamalayika? Ebyawandiikibwa bituyigiriza nti Katonda yabatonda basobole okubeera na Ye bamwaagale, bamutendereze era bamuwereze mu ssanyu ly'eggulu emirembe gyonna. Katonda bonna ye yabalinako obwannannyini kubanga ye yabatonda. Bonna baabeeranga mu nnyumba ya Katonda waggulu mu ggulu, okuyisa omwezi, enjuba n'emmunnyeenye. Wali okimanye ntiwaliwo **ekifo eky'enjawulo Katonda mw'abeera**? Kituufu nti mu ssomo lyaffe eryayita twayiga nti Katonda ali buli wamu. Kyokka, okugatta kwekyo, Ebyawandiikibwa byogera ku kifo eky'amagero mu bwengula eyo ekitukuvu ekijjudde obutangaavu, n'obulungi, Katonda gy'abeera era gy'ayoleseza ekitiibwa kye. Kino ky'ekifo bannabbi ba Katonda kye bayita *Okubaawo kwa Katonda oba Eggulu oba Olusuku (Paradise).* Eyo Katonda gy'abeera ne bamalayika be abatukuvu.

Waliwo ekirala kyetwetaaga okumanya ku bamalayika. Kye kino nti: Bamalayika si bebamu bonna. Abamu balungi era b'amagezi okusinga abalala, Abamu bamalayika betoloode entebe y'obwakabaka eya Katonda mu ggulu. Abalala bayamba okukuuma abantu. N'abalala nga Gabulyeri ne Mikaeri abesimba mu maaso ga Katonda okutumwa n'okutuukiriza emirimu emitongole ku nsi.

Bamalayika abamu bakebezi ku bannabwe. Wali owulidde ku linnya Lusifa (Lucifer)? Ekigambo kya Katonda kitugamba nti waaliwo ekiseera Lucifer weyabeerera omukulembeze wa bamalayika bonna. Bw'oba omanyi ebyafaayo bya Lucifer oba omanyi Setaani gyeyava.

Ebyawandiikibwa bitugamba nti Katonda mu kusooka okutonda bamalayika, Lucifer ye yali asinga bonna obulungi, amaanyi era nga yasinza bonna amagezi. Lucifer kitegeeza "*ayakayakana*." Lucifer yali asukkuluma ku bamalayika abalala bonna mu kumanya, amagezi, amaanyi n'obuyinza. Katonda yamuwa obulungi n'okutegeera okutagerwa. Lucifer yandibadde asinza Katonda, ng'amwagala, n'okumugondera emirembe gyonna kubanga ye yamutonda n'amuwa omukisa ogw'ekitalo.. Kyokka mu Byawandiikibwa bya Bannabbi tusoma nti lwali lumu Lucifer n'alaga obunyoomi eri Katonda era nga n'omutima gwe gujjudde **amalala**. Isaaya 14:13,14 atugamba nti Lucifer yayogera mu mutima gwe nti, "*Ndirinnya mu ggulu, ndigulumiza entebe yange okusinga emmunyeenye za Katonda; era ndituula ku lusozi olw'ekibiina, ku njuyi ez'enkomerero ez'obukiika obwa kkono: ndirinnya okusinga ebire we bikoma; ndifaanana oyo ali wa waggulu ennyo.*"

Tekikkirizika! Lucifer, ataalina kintu kyonna okujjako ekyo Katonda kye yamuwa, yayagala abbe ekitiibwa kya Katonda, ali waggulu ennyo! Ate teyajeemera bujeemezi Katonda, naye kimu kya kusatu ekya bamalayika abaali mu ggulu baasalawo okukuba Mukama Katonda amabega, n'okugoberera Lucifer mu kibi kye. (Ebyo ojja kubisanga mu Okubikulirwa 12:4)

Kyokka Katonda ye Katonda, era Katonda yamanya buli kintu Lucifer ne bamalayika be kye baali bagenderera okukola. Nga bwetwakiyiga mu ssomo eryayita tewali ayinza kukola kintu kyonna mu

nkiso eri Katonda, kubanga Katonda amanyi buli kimu nga tekinnabanawo! Katonda yalaba ekibi ekyali mu mutima gwa Lucifer ne mu mitima gya bamalayika abaamugoberera.

Kale kiki ekyatuukawo? Katonda yakola ki? Katonda yali ayinza okuleka Lucifer, eyamujeemera okutwala ekifo kye? Katonda yali asobola okugumikiriza ekibi? Katonda yandisobodde okubeera awamu n'ekibi ky'amalala n'obujeemu? Tekisoboka! Ebyawandiikibwa bya Bannabbi bitusomesa nti Katonda waffe mutukuvu era tasobola kutunula ku kibi. Katonda tayinza kugumiikiriza kibi. Tajja kuwa mulala kitiibwa kye. Teri ayinza kumuddira mu bigere. Kale Ebyawandiikibwa bigamba nti Katonda yagoba Lucifer ne bamalayika abalala ababi okuva Katonda we yali mu butukuvu bwe. Lucifer n'abagoberezi be baali tebakyasobola kubeera mu ggulu, mu nnyumba ya Katonda kubanga baali boononye mu kwagala okusigukulula Katonda. Eyo y'ensonga lwaki Katonda yagoba Lucifer ne banne bamalayika ababi. Katonda, omutukuvu, ateekwa okusalira abamujeemera omusango n'okubabonereza,

Lucifer bwe yamala okwonoona, erinnya lye lyakyuusibwa. Yali takyayitibwa Lucifer *ayakayakana*, naye Setaani. Settani kitegeeza *Omulabe*. Lucifer yali afuuse omulabe wa Katonda. Era, nga bw'omanyi, Setaani ne bamalayika be nabuli kati begaana Katonda n'e byonna ebirungi. Basambajja Ekigambo kya Katonda era ne bakyegaana. Setaani alwanyisa Katonda era agezaako okwonoona n'okugootaanya pulaani za Katonda. Kyokka Katonda ye Mulamuzi omukulu, era teri n'omu ayinza kumuwangula.

Ebyawandiikibwa Ebitukuvu bitugamba nti Katonda bwe yamala okugoba Setaani ne bamalayika be, yabatondera omuliro gwa geyeena ogutazikira. Waliwo olunaku olujja, Katonda lwalikasuka Setaani ne bamalayika be, n'abantu ababagoberera mu muliro ogwo. Bwekityo Mu Okubikkulirwa 20:10 kyawandiikibwa nti, "…*era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe*."

Kyokka Ebyawandiikibwa bituyigiriza nti Setaani tannakanyugwa mu muliro ogwo (Geyeena). Ekigambo kya Katonda kigamba nti **Setaani ali mu nsi** era alwanyisa Katonda. Mussi. Ayagala kusaanyaawo omulimu gwa Katonda. Ayagala abantu Katonda beyatonda, basaanewo era bagende naye mu geyena. Ekigambo kya Katonda kigamba nti**, abantu abasinga obungi bali mu bufuge bwa Setaani, naye tebakimanyi** kubanga Setaani **muliimba.** Bwebityo Ebyawandiikibwa bitugamba mu 2 Abakkolinso 11:14 nti, "*...Setaani yeefaananya nga malayika ow'omusana.*" Agezaako okulimba abantu baleme kufa ku Kigambo kya Katonda. Eyo y'ensonga lwaki omu ku bannabbi ba Katonda yawandiika mu 1 Peetero 5:8 nti, "*Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatambula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'analya.*" Beera bulindaala. Setaani ayagala kukusanyaawo emirembe n'emirembe.

Naye Ettendo libe eri Katonda! Atuwadde Ekigambo kye tusobole okutoloka okuva mu maanyi ga Setaani. Ebyawandiikibwa bigamba mu Yokaana 8:32 nti, "*Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe.*" Omanyi amazima agayinza okukusumulula okukujja mu ng'ango za Setaani? Mbasaba tuleme okwerabira. Setaani w'amagezi okutusiinga. Kyokka Katonda asinga Setaani amagezi. Setaani atusinza amaanyi. Kyokka Katonda asinza Setaani amaanyi. Omanyi Ekigambo ky'Amazima ekisobola okukununula okukujja mu maanyi ga Setaani? Abantu bangi tebaagala kuwulira mazima ga Katonda. Lwaki abantu bagaana okuwuliriza amazima? Lwa kuba nti Setaani abalimbyelimbye. Abasikiriza okukkiriza agatali mazima. Mu butuufu amazima oluusi tegasanyusa kuwulira. Abawolofu ab'omu Senegal balina enjogera egamba nti, "Amazima kamulali." Kyokka, bw'omanya obutuufu bw'Ekigambo kya Katonda, nokikkiriza, ojja kumaamulwa okuva mu maanyi ga Setaani. Amazima ga Katonda gasumulula abantu okubajja ku bulimba bwa Setaani. Kyokka oteekwa okumanya amazima n'okugakkiriza.

Wuliriza Ekigamba kya Katonda bwe kigamba mu 1 Yokaana 4:1 nti, "*Abagalwa, temukkirizanga buli mwoyo, naye mukemenga emyoyo, oba nga gyava eri Katonda: kubanga bannabbi ab'obulimba bangi abafuluma mu nsi.*" Mu 1 Abasessaloniika 5:20-22 nti, "*Temunyoomanga bunnabbi; mugezengako ku bigambo byonna; munywerezenga ddala ekirungi; mwewalenga buli ngeri ya bubi.*"

Omanyi ddala bulungi bannabbi ba Katonda bye baawandiika? Otegeera Ekigambo ky'Amazima? Okikkiriza mu mutima gwo?

Mikwano gyaffe, mwebale okuwuliriza. Tubaaniriza okutwegattako nate omulundi ogujja twekkaanye engeri Katonda gye yatonda ensi. Kati bw'oba n'ekibuuzo kyonna ekikwata ku bye twogeddeko olwaleero tuwandiikire ku Ekkubo Ery'obutuukirivu…

Twesunga okubeera nammwe omulundi ogujja. Nsaba Katonda abawe omukisa nga bwe mulowooza ku kisuubizo ekiri mu Yokaana 8:32 nti,

"Era mulitegeera amazima, n'amazima galibafuula ba ddembe."